
# BUUZA OMUSAWO

## Mukomye okusonga ennwe mu balika akawuka



Dr. Nelson Musoba akulira Uganda AIDS Commission.

DR. Nelson Musoba, akulira ekitongole ekikwanaganya emirimu ku nsonga z'akawuka ka siriimu mu ggwanga ekya Uganda AIDS Commission (UAC) alaga abalina okuyamba abalina akawuka ka siriimu obutaggwaamu maanyi wadde okwekubagiza;

**Okusosolwa kikosa kitya abaana abalina akawuka ka siriimu ne ffamire zaabwe?**
Abaana basinga kutawaanyizibwa mu masomero, abakyala ne banenyezebwa bwe boogera ku nsonga z'abaana baabwe ne bwe bayimiridde.

Abasajja beewala okwekebeza nga batya okulabika nga abanafu. Mu mbeera zonna okusosolwa kusindika abantu okusirika.

**Ekitongole kya Uganda AIDS Commission kikozeewo ki?**
Ekitongole kikola butaweera okulaba ng'embeera y'okusonga emimwa n'okukosolwa kw'abalina akawuka biggwaawo mu bantu.

Tukolagana n'abemikago ab'enjawulo okugeza bannaddiini, amawanga ag'enjawulo ne bannabyabufuzi okubunyisa enjiri y'okukkiriza ebikwata ku kawuka ka siriimu.

Nga tukolaganira wamu n'abantu ba bulijjo n'ebitongole by'amawulire, tubuulira abantu empisa y'okwekebeza okugitwala nga ekintu ekya bulijjo, okufuna obujjanjabi n'okubeera abeerufu.

**Olwo abantu bo bafeeyo ku ki?**
Abantu balina okukitegeera ate ne bakitambulirako sso si kulowoolereza bwe tuba baakumalawo kusosolwa. Okugeza nti, akawuka ka siriimu tekakwatira mu kuliraana muntu akalina oba okukozesa ebintu bye.

Enzijanjaba ey'omulembe guno ewa ekyanya abantu okubeera mu bulamu obweyagaza, kino kitangira ne ku nsaasaanya y'akawuka bwe kiba nga kikwatiddwa bulungi.

**Yabitegeezezza KHASIFAH NAAVA.**
**EBIRALA BIRINDE WIIKI EJJA.**